# Gavt. eyimirizza okugoba abantu ku makubo

Bya TEOPISTA NAKAMYA

GAVUMENTI eyimirizza ekiragiro kya 'Trade Order', Bannayuganda enkumi n'enkumi mwe babadde babasengulira mu bukambwe okuva mu bifo bye bakoleramu ku mabbali g'enguudo mu bibuga, ttawuni n'ensokolo z'ebyalo.

Minisita omubeezi ow'ebyobusuubuzi, David Bahati yasinzidde mu lutuula lwa Palamenti ku Lwokutaano ng'ababaka bateesa ku Bajeti n'ategeeza nti, olukiiko lwa Baminista lwayimirizza ekiragiro okutuusa mu July omwaka guno lwe banaddamu okukyekenneenya.

Bahati okuvaayo, kyaddiridde omubaka Solomon Silwany (Bukooli Central) okutegeeza Palamenti nti, abantu be bakiikirira babamenyedde obuyumba mwe babadde bakolera nga n'obumu bwatwaliddwa n'emmaali eyabaddemu.

Yatadde Gavumenti ku nninga ennyonnyole kye bagenderera okwonoona bizinensi z'abantu mwe baggya ekyokulya nti, kubanga abantu bali mu bulumi.

Ensonga eno gye buvuddeko yasooka okwanjulwa omubaka Ibrahim Ssemujju Nganda (Kira municipality) ng'oluvannyuma lwa minisita Bahati okutegeeza nti, ekiragiro kiyimiriziddwa, yayagadde okumanya oba abantu basobola okugira nga baddamu okukolera mu bifo we baagobebwa.

Yasabye bulijjo bwe baba baliko omulimu gwe bateekesa mu nkola, Gavumenti okulembezenga obuntu, si kusindiikiriza bantu n'okuboonoonera ebyabwe.

Yaloopedde sipiika nti, mu Kira ekikwekweto kyali kikambwe bulala oluvannyuma lwa kkanso okuyambibwako amagye ne poliisi mu kukola omulimu.

Abakulembeze okuva ku kkanso ababadde bakola ebikwekweto bino eby'okukwasisa ekiragiro, omubaka Karim Masaba (Mbale Industrial Division) yategeezezza nti, abamu babadde batandise okuggya ensimbi mu bantu be bawambira ebintu nga babasuubizza okubibaddiza.

Oluvannyuma lwa minisita okulangirira, ababaka basabye ba 'Town Clerk' bawandiikirwe ebbaluwa mu butongole okuyimiriza ebikwekweto. Oluvannyuma lwa kabineeti okutuula, eggwanga lijja kutegeezebwa mu butongole ekikwekweto lwe kinaddamu, okusobola okutereeza ebibuga.